

ENKOLA Y'EBISALE BYAMASSOMERO GA DISITULIKITI YA SALT LAKE CITY N'OKUBISALAKO

Bwooba wetaaga obuyambi okutegeera obubaka buno, tukirira Bob Muench ku (801) 578-8378.

Endagiriro eno ewandikiddwa okuyamba okwetoolola enkola ya Disitulikiti ya Salt Lake City n'emitendera gyayo egikwata kubyokusala kubisale byamassomero n'okutukkana okusalirwako ebisale.

Endabika yonna

1. Amateeka ga Utah gakiriza okusaba ebisale mu guleedi eyomusanvu mpaka eyekumi nebbiri. Kino kigegeza nti omusomi wo ajakusabibwa ebisale by'ebjetaago by'essomero, ebireetebwa, ebyokola ne pulogulaamu.
2. Ebisale byona bisalwaako.
3. Abasomi bona abaganiddwa okusalwaako ebisale balina omukisa okujulira.

Enkola ya Disitulikiti eyokusala ebisale

Boodi Yebyenjigiriza etaala Amassomero ga Disitulikiti ya Salt Lake City ya londa era nekiriza enkola yokusala ku bisale nensegeka yokubisasula okusinziira ku teeka lyekitundu. Enkola, emitendera nensengeka yokusasula obisanga ku peegi ya disitulikiti eyokumutimbagano: slcschools.org/board-of-education/policies/ - kirira wansi wa peegi ononye S-10 Ebisale Byabasomi n'Okusalirwaako.

Omutendera Gwokusala Kubisale

Buli mukulu wa ssomero yalondebwa ngomuntu atunula munsonga yokusala ku bisale era naawa ensalawo ku buli kusaba kukolebwa okusalirwaako ebisale. Disitulikiti yewaayo okulaba nti omutendera gwokusalarwaako ebisale gukwatibwa mubwenkanya, awatali kyekubiira era awatali kulwisibwa. Era, disitulikiti eraba nti omutendera guboola obusosoze, okuswaaza, okulabisibwa mabantu nobuzito obutetaagisa ku basomi nabazadde. Omutendera tegubeeremu bubonero bulaga muntu obuyinza okuleetera omuntu omulala okumanya asabye okusalirwaako ku bisale, era teri basomi ba disitulikiti (okugyako famire ova omuzadde wooyo asaba okusalirwaako ebisale) bakirizibwa okuyamba munsonga yokusaba okusalirwaako kubisale. Ebikwaata ku famire ova abazadde bigya kukuumibwa nga byakyaama mu kiseera kyomutendera gwona.

Era, manya nti omusomi afuna okusalirwaako ebisale tagya kuyisibwa mungeri yanjawulo ku balala, era tajja kulagibwaayo ngeyasalirwaako ku bisale mubasomi banne, ova abakozi bessomero abateetaaga kumanya.

Okutukkana Okusalirwaako Kubisale

Omusomi atukanna okusalirwaako ebisale bwaaba:

1. Nga yayitamu okulya ekyemissana ekyobwerere wansi wamateeka ga USDA
2. Bwafuna SSI
3. Famire ye bwefuna TANF
4. Bwabeera nga alimumikono nga sigyabazaddebe benyini
5. Bwabeera nga alabirirwa gavumenti

Okwongenzaako, bwobeera nekizibu kya sente nga kyabukubirize nga kireteddwa kufiirwa mulimu, ova bulwadde ova okufiirwa sente mungeri endala eyamaanyi nga yakusukako, omwaana wo ayinza

okutukkana okusalirwaako kubisale yade nga tatukiriza mitendera gyakusalirwaako bisale. Yadde ngomussomi tatukiridde mumbeera eno, essomero lirina okusala kubisale singa okusaba ebisale ebyo kubakugaana omusomi okwetaaba mubujuvu oba okumaliriza ebyetaagisa kussomero olwobutasobola kubisasula.

Wabula, okusobola okutukkana okusalirwaako kubisale, essomero litekeddwa okufuna EBIWANDIICO ebikakasa obutali busobozi kusasula bisale. Olina okujuza Apulikesoni yokusalirwaako ebisale era ogiweeyo ewomukulu wessomero okujitunulamu nokuwa olukusa. Apulikesoni weziri kubuli ofisi enkulu eyabuli ssomero era neku Boodi yekitundu kya Utah Eyebyenjigiriza kumutimbagan ku:
<https://www.schools.utah.gov/schoolfees?mid=4340&tid=3>. Ngawakamala okuwaayo foomu zapulikesoni enzijuvu, ebisale bijakuyimirizibwa mpaka ngokusalawo kukutukkanakwo okusalirwa kubisale kukoleddwa. Okusaba bwekugaanibwa, essomero lijakuweereza Ensalamo ne Foomu Yokujulira. Foomu ejakubuulira lwaki okusabakwo kwagaaniddwa era omanyisibwe engeri yokujulira ensalamo eno. Bwojulira okusalirwaako kubisale, tewetaaga kusasula bisale mpaka nga okujulira kuwedde.

Omwaana wo bwaba ng'atukkana okusalirwaako kubisale, ebisale byona bimujibwaako, omuli-naye tekukomaawo-bino:

Ebisale by'okwewandiisa, ebitabo ebisomebwa ne dipositi w'ebokozesa, ebiretebwa Ku ssomero, kaada z'ebikolebwa, ebyokkola ebyenyongereza kuby'okusoma, ne kabada z'essomero, sente za gyiimu ne tawulo; sente za labu n'edduka; ebisale bya yunifoomu n'ebiyokweetimba; sente za tulipu n'enkunggaana, ebisale by'atuliipu z'ekibiina oba tiimu; n'ebisale by'ebyuuma by'okuyimba mu kibiina oba mu bikolebwa.

Tewali kintu nga "ekitasalwaako" oba "kyabwewaygalire" naye emiwatwa emirala gitegekerwa munsonga ezimu, naye sikubitabo bisomebwa. Essomero terisobola kusaba kusasula mukibanja mpola, IOUs, oba engeri endala eyekigayaavu.

Ensimbi zobukomo bwebibiina, ebitabo byomwaka, ebifananyi byessomero, ebibika amabalua, nebintu ebifanagana kubino si bisale era tezisalwaako. Era, omusomi wo bwabuza oba bwayonoona ebintu byessomero, okusasula okubizaawo oba okubitereeza si bisale byassomero era tebisalwaako. Abasomi bayinza okusabibwa okusasula ebisale byamirundi ebbire egyegoberera oba okuyingizibwa koosi za waggulu. Ekitundu kyebisale ekyekuusa ku kolegi oba guleedi ezsuka sekendule oba kulediti tezisalibwaako bisale. Munyingereza, abo abasomi abasasula dipositi yebitabo ebisomebwa oba kubikozesebwa kussomero bebakirizibwa okudizibwa sente zaabwe kunkomerero yomwaka.

Essomero nabakozi balyo tebasobola kugaanira, kukendeeza yade okwongera ku bubonero bwa guleedi oba kulediti, yadde okugaanira kulediti, alipota, zidiguli oba dipulooma okukakka okusasula. Essomero liyinza okugaanira ebikwaata ku musomi alumirizibwa okwonoona oba okubuza ebintu byessomero, naye terikirizibwa kulemesa mwaana kusoma oba okuyimirirawo obulungi musomero.

Ebiwandiiko byokusala ku bisale TEBISABIBWA buli mwaka naye biyinza okwetagsibwa sawa ku sawa essomero oba omuzadde ayinza okwaggala okubitunulamu olwensonga ennungi. Era, ebiwandiiko TEBIKUUMIBWE Iwansonga zamuntu kinoomu. Amassomero gayinza okugabana ebikwaata kukutukkana kwomwana okusalirwaako ebisale namassomero ago omwana gyakula agenda mukusoma.

Bwoba nebibuuzzo, sooka oyogeremu nomukulu wessomero oba omukiise wa disitulikiti alagidwa wanno:

Obukulu Bwessomero Nedipamenti Yomutindo (801) 578-8350

Bwoba oyagala kopi yemitendera gya disitulikiti kubyebisale nokusalirwaako, tukirira Bob Muench ku (801) 578-8378.